## OWA S.4 BAMUTTIDDE MU BUBBI E LUWEERO

OMUYIZI abadde yatuula ebya S4 agambibwa okuba omububbi ow'olulango, akubiddwa emiggo egyamusse ku bigambibwa nti yabadde ne babbi banne nga bateega n'okubba abadigize abaabadde bava okucakala mu bbinu lya Ssekukkulu. Jeremiah Mwesigwa (18) omutuuze ku kyalo Kiwogozi e Kasana mu kibuga Luweero abadde yatuula ebya S4 ku Everett SSS mu Luweero ye yattiddwa. Omwogezi wa poliisi mu Savanna, ASP Sam Twineamazima yategeezezza nti omuvubuka ono abadde omu ku bibinja by'ababbi abatigomya abatuuze mu kabuga e Kasana era ng'abadde yaakayimbulwa mu kkommera ku misango gy'obubbi.